# Gavt. erabudde okuggala New Best Hotel-Busega ku by'obuseegu



New Best Hotel e Busega nga bw'efaanana.

Bya PONSIANO NSIMBI NE CHARLES ETUKURI

GAVUMENTI etiisizza okuggala ekifo ekisanyukirwamu ekya New Best Hotel e Busega ssinga abakiddukanya banaagenda mu maaso n'okwenyigira mu bikolwa by'obuseegu, ekintu ekikontana n'amateeka.

Okulabula kuno kwakoleddwa ekitongole ekivunaanyizibwa okulwanyisa ebikolwa by'obuseegu ekya Pornography Control Committee (PCC ekiri wansi wa ofiisi y'amaka g'Obwapulezidenti mu lukung'aana lwa bannamawulire olwatuuziddwa ku ssengejjero ly'abaamawulire mu Kampala ku Lwokubiri.

Ssentebe w'olukiiko lwa PCC, Dr. Annette Kezaabu, bwe yabadde ayogerako eri bannamawulire ku Lwokubiri yagambye nti, bazze balabula abaddukanya Best Hotel beddeko ku bigambibwa nti abantu abakung'aanirayo beenyigira mu bikolwa by'obuseegu. Bazzeemu okunoonyereza era bwe banaakizuula ng'ebikolwa by'obuseegu tebabikomyeko, bagenda kugiggalawo.

Yategeezezza nti okuwera emikutu n'ebifo by'obuseegu tekimala, walina okubaawo omukono ogw'enjawulo ku buseegu obukolebwa ku mitimbagano kuba bukosa abaana.

Akakiiko kaakwataganye n'ekitongole ekivunaanyizibwa ku biweerezebwa ku mpewo ekya UCC, okulaba ng'emikutu gyonna egy'obuseegu giggalwa.

"Kyabulabe eri abaana kulaba ebintu by'ensonyi nga biteekebwa ku mitimbagano. Omwana bw'ava obuto ng'agwenyuse bw'akula era kimwanguyira okubwenyigiramu n'okubusaasaanya. Era bakula nga tebeewa kitiibwa" Dr. Kezaabu bwe yategeezezza.

Yalaze okutya nti ebikolwa bino tebikyali byankiso eri abaana kuba babisanga mu bifo ebibeetoolodde nga beeyambisa ebintu ebibaliraanye nga ttiivi n'amasimu.

Yagambye nti, ebintu bino bitaataaganya ebirowoozo by'abaana n'enkula yaabwe ne bibasendasenda okwegatta nga bakyali bato.

Joel Wanjala, omuwandiisi w'ekitongole ekivunaanyizibwa ku kukuuma empisa n'obuntubulamu ekya Directorate for Ethics and Integrity yennyamidde olw'obuseegu obususse mu ggwanga. N'agamba nti, balina ekiruubirirwa ky'okulaba ng'eggwanga balituusa ku mutendera ogweyagaza buli muntu mu 2040, kyokka bwe batasitukiramu ku muze guno, kyandigaana okutuukirira.

"Nga Gavumenti, tukizudde ng'eggwanga lirimu ebikolwa by'obusiiwuufu bw'empisa, ebigenda okwonoona abaana. Bw'ogenda mu matendekero, olaba bulungi ekizibu ky'enkuza y'abaana, ffamire ezikoseddwa, okukozesa ebiragalalagala, okwegadanga, okukozesa obubi emikutu gya social media, ebintu ebikosa eggwanga," Wanjala bwe yagambye.

Ku ky'abayimbi abagenda mu masomero nga bambadde enkunamyo, yagambye nti baawandiikira abaddukanya amasomero nga babalabula ku nsonga eno.

## GAVUMENTI BY'EKOZE OKUMALAWO EKIZIBU KINO

Dr. Kezaabu yagambye nti, nga bakolera wamu n'ebitongole bya Gavumenti, wiiki ewedde baliko emikutu egibadde gisaasaanya eby'obuseegu gye baggadde.

Omwogezi wa UCC, Ibrahim Bbosa yagambye nti, baawandiikidde emikutu gy'amasimu nga bagiragira okuggyako emikutu egisoba mu 500 egibadde emabega w'okusaasaanya obuseegu.

"Ekitongole kya UCC mu kawaayiro 5(10) mu tteeka erirung'amya ebyempuliziganya kivunaanyizibwa okulondoala, okukuuma omutindo n'okukakasa nti ebikolebwa tebimenya mateeka. Era mu kawaayiro 33, kivunaanyizibwa okukakasa nti byonna ebifulumizibwa bikkirizibwa mu mateeka,"Bbosa bwe yategeezezza

Ku nsonga y'ennyimba ezikuma omuliro mu bantu ng'olw'omuyimbi Dynaso Wegoso olwa 'Mukube Peeva' olwayogeza Bannayuganda ebikankana, UCC egamba nti, ekomyewo na maanyi.

## Abantu kye bagamba


**Mike Bujingo:** Sikkiriziganya na kuggalawo mikutu egyo kubanga ababadde bagikolamu mwe baggya ssente ezibabeezaawo era ne baweerera n'abaana.


**Racheal Nassolo:** Emikutu egyo baalwawo okugiggala kubanga abaana baffe bayize obuseegu nga bayigira ku mikutu egyo. Enteekateeka ngyanirizza era bagende mu maaso.


**Mike Kizito:** Gavumenti okuggalawo emikutu gy'obuseegu egenda kwefiiriza misolo. Bannaffe abo bafuna ssente ate ne bazisaasaanya nga bagula ebikozesebwa ate byonna biriko omusolo. Eba efiirwa.